EBYAFAAYO EBITONO KU BULAMU BWA DR. GEORGE WILLIAM KIRONDE SSALI

Date of Birth: 18th February 1927

Date of Death: 2nd October 2022

Parents: Elnesti Tamale Bafilawala (RIP) and Zewulia Namaganda Bikwalila (RIP)

Spouse: Phillis Kaggwa and Margaret Nalwoga Ndiwalana (RIP)

Children;

- Andrew Tamale
- Nantongo Harriet
- Peter Kawuki
- Sepi George Kafeero

Other Children

- Gertrude Nakabugo
- Viola Namuli
- Sande Rodgers Lukwago
- Mugerwa Luzze
- Tamale Edward
- Wasswa Peter
- Nakafero Ethel
- Nampewo Sylvia
- Denata Namazzi
- Kafeero Charles Tiiba
- Nanyonga Florence
- Ssali Paulo
- Kawaga Richard
- Kiddu Godfrey
- Kyeyune Bosco
- Nakyato Janat
- Nakalili Annet
- Namande
- Nakabugo Buddo
- Jimmy Lwewaniki
- Jumba Denis
- Tamale Joshua
- Godfrey Lukwago
- Kasamula Joseph
- Mikka Robert
- Nagawa
- Nakanjako Knight
- Nakafeero Rose
- Nakigude Lukaya
- Nakafeero Lukaya
- Nanyunja Lukaya
- Ssali Lukaya

- Mugerwa Mande
- Lukwago Vicent
- Naluzze Lukaaya
- Namuli Victoria

He is survived by many grand children, some live in Uganda and others abroad. They loved him so much and will dearly miss him as their beloved grand father.

Education Background

- Kabungo Primary School
- Namukozi Junior School
- Kings College Budo
- Loughborough University UK (1st, 2nd degree and PHD)

Career Background

- He was the first chemical engineer PhD holder in East Africa
- He was the Chief Chemist of Uganda Development Corporation from 1969 to 1990 when he retired.
- During his time in UDC he started many enterprises including:

1. Uganda cement industry Tororo.
2. Uganda cement industry Hima.
3. T I CA F - Tororo industrial chemicals and Fertilizers.
4. Lake Katwe Salt Project.

- He was the Author of the Proposed Federal States of Uganda.
- He was the Author of a book In Search for Sanity.
- Olukiiko Olwazawo obwa Kabaka bwa Buganda
- Secretary Buganda Land Board
- Olukiiko lwa Namirembe Diocese that formed Kampala Diocese
- Dr G.W. Kironde Ssali, Ph. D., B. TECH., C.ENG., M.I.CHEM., E.M.A.I.CH.E., R.E.
- Yoomu Ku 4 abaawandiika:
  ZI STATE ZA FEDERO YA UGANDA MU BUBAGE,

ekiwandiiko eky'omuzinzi mu kutaputa federo
Abaganda bye baali beetaaga nga Ssemateeka wa 1995 abagibwa.

- Yali mwagazi nnyo ow'eggwanga lye Buganda ne Kabaka we. Bino byombi byamusibyako.
  Mukama Amuwe ekiwummulo eky'emirembe

ENTEKATEEKA Y'OKUSIINZA OKUYINGIRA (PROCESSIONAL HYMN)

KATONDA ONSEMBEZE

1. KATONDA onsembeze
Kumpi naawe,
Ne bwe ndikwatibwa
Obuyinike.
Neeyongerenga era
Okusemberera
Okumpi naawe.

2. Obudde obw'obulamu
Buwungeera:
So siraba n'omu
Anambeera,
Nga nkwegayirira
Olw'ekyo, sembera
Okumpi nange.

3. Kale okwolesebwa
Kuve eri ggwe;
Era awalinnyibwa
Walabike.
Nga bamalayika
Bampenyezza okujja
Okumpi naawe.

4. Kyenva nsanyukira
Ekisa kyo,
Kubanga owulira
Omuddu wo.
Katonda tondeka,
Nga mbulubuutira
Ewala naawe.

5. Edda ndiyingira
Wa Kitange;
Nga nkomekkereza
Ennendo zange.
Ekirinsanyusa
Yesu, kubeerera
Awamu naawe.

EBY'OKUSABA EBISOOKA

1. Nze kuzuukira n'obulamu: akkiriza nze newankubadde ng'afudde aliba mulamu: nabuli mulamu akkiriza nze talifa emirembe n'emirembe
Yok. 11:25-26.Tim 6:7

2. Mmanyi nga omununuzi wange aba mulamu era Nga aliyimirira ku nsi enkomerewo:era eddiba lyo'omubiri gwange bwe lirimala okuzikiribwa bwe lityo naye mu mubiri gwange ndiraba katonda: gwe ndiraba nze mwena n'amaaso gange galimutunuulira,so si mulala Yobu 19:25-27

3. Tetwaleeta kintu kunsi kubanga era tetuyinza kugyamu kintu. Mukama ye yawa era Mukama y'agyeewo erinnya lya Mukama lyebazibwe 1Tim 6:7

ZABBULI 23

Mukama ye musumba wange; seetaagenga: 2 Angalamiza mu ddundiro ery'omuddo omuto: Antwala ku mabbali ag'amazzi amateefu. 3 Akomyawo emmeeme yange: Annuŋŋamya mu makubo ag'obutuukirivu ku lw'erinnya lye. 4 Era newakubadde nga ntambulira mu kiwonvu eky'ekisiikirize eky'olumbe, Siritya kabi konna; kubanga ggwe oli nange: Oluga lwo n'omuggo gwo bye binsanyusa. 5 Onteekerateekera emmeeza mu maaso g'abalabe bange: Onsiize amafuta ku mutwe; ekikompe kyange kiyiwa. 6 Obulungi n'ekisa tebiiremenga kugenda nange ennaku zonna ez'obulamu bwange: Nange naatuulanga mu nnyumba ya Mukama okutuusa ku nnaku nnyingi.

EKITUNDU EKISOOKA
ZABBULI 34:17-20

Abatuukirivu baakoowoola, Mukama n'awulira, N'abalokola mu nnaku zaabwe zonna. 18 Mukama ali kumpi n'abo abalina omutima ogumenyese. Era awonya abalina omwoyo oguboneredde. 19 Ebibonoobono eby'omutuukirivu bye bingi: Naye Mukama amulokola mu byonna. 20 Akuuma amagumba ge gonna: Linnaago erimu terimenyeka.

ERINNYA LYA YESU DDUNGI

1. ERINNYA lya Yesu ddungi
Eri akkiriza;
Lisangula amaziga ge,
Limalamu okutya.

2. Litereeza n'omwoyo gwe
Linyiga ebiwundu;
Ye mmere y'omuyala, era
Liwumuza akooye.

3. Erinnya gganzi, lwe lwazi
Kwe nzimba enju yange
Lye ggwanika eritaggwaamu
Emirembe gyonna.

4. Musumba wange, nkwebaza,
Mulokozi wange;
Bulamu bwange, nkwebaza,
Era ekkubo lyange.

5. Okufuba kwange kwonna
Tekuliimu maanyi;
Naye bwe ndikulabako,
Ndikutendereza.

6. Ontegeezenga bulijjo,
Ekissa kyo ekingi
Erinnya lyo linsanyuse
Mu ntuuko ez'okufa.

YESU NJIJA GY'OLI,

1. YESU njija gy'oli,
Nga nsuubira,
Nkufukaamirira,
Nga nkwesiga;

Njijudde nnyo ebibi,
Naye kye mpoza nti:
"Wanfiirira".

2. Mukama njatula
Ebyonyoono;
Ne nkubikkulira
Ebibi byange.
Jjangu onnongoose
Onnaalize ddala,
Ontukuze.

3. Yesu otusonyiwe
Ggwe omwesigwa
Laba, nfukamidde
Mu maaso go.
Onnaaze mu musaayi,
Ggwe Omwana gw'endiga
Wa Katonda.

4.Ne ndyoka nsayuka
Nga ndokose,
Nze ne ntambulira
Wamu naawe.
Ne bwe ndizirika,
Ggwe olimpanirira
Nneme okugwa.

EKITUNDU EKY'OKUBIRI
1 ABASESSALONIIKA 4:13-18

Naye tetwagala mmwe obutategeera, ab'oluganda, eby'abo abeebaka; mulemenga okunakuwala, era ng'abalala abatalina ssuubi. 14 Kubanga bwe tukkiriza nga Yesu yafa n'azuukira, era Katonda alireeta bw'atyo abeebaka ku bwa Yesu wamu naye. 15 Kubanga ekyo kye tubabuulira mu kigambo kya Mukama waffe, nga ffe abalamu abaasigalawo okutuusa okujja kwa Mukama waffe tetulisooka abeebaka. 16 Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n'okwogerera waggulu n'eddoboozi lya malayika omukulu n'ekkondeere lya Katonda: n'abo abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira: 17 naffe abalamu abaasigalawo ne tulyoka tutwalibwa wamu nabo mu bire okusisinkana Mukama waffe mu bbanga: kale bwe tutyo tunaabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna. 18 Kale musanyusaganenga mwekka na

mwekka n'ebigambo bino.

NNINA OMUKWANO GWANGE

1. NNINA omukwano gwange, ye
Yasooka okwagala nze
N'ampalula mu kisa kye,
Kye kyakkirizisa nze.
Leero ndi muddu we, naye
Abaddu be ba ddembe;
Nze ndi wuwe, naye wange.
Emirembe n'emirembe.

2. Nnina omukwano gwange, ye
Yafa okundokola nze,
Kubanga obulamu bwe
Ye bwe yagabira nze.
Nange sikyalina byange,
Ebyange bibye byonna;
Neewaayo mu mikono gye,
Mukwano gwange ddala.

3. Nnina omukwano gwange, ye
Yaweebwa amaanyi gonna;
Ge galintuusa ewuwe;
Sitya balabe bonna.
Eby'eggulu mbirengedde,
Bimyansa nnyo nga effeeza:
Kale nkole, nfube, nnwane!
Ye alintendereza.

4. Nnina omukwano gwange, ye
Mulungi, ow'ekisa;
Angabira ku maanyi ge,

Annunnamya era andiisa.
Ebiriwo n'ebiribaawo
Tebirinjawukanya;
Emirembe, egitaliggwaawo
Yesu, mukwano gwange.

OKUGANZIKA EBIMULI KU SANDUKO

(LAYING OF WREATHS)

YESU BYONNA ABIMANYI,

1. YESU byonna abimanyi,
Kinsanyusa;
Antwala yekka mu kkubo,
Seetaaga mukulembezi,
Wabula ye, wabula ye.
2. Ebiribaawo sibitya,
Ng'antwala nze;
Yesu yekka ankulembera
Nange ka mugoberere,
Kinsaanidde, kinsaanidde.

3. Siyinza kwerabirira
Ndi munafu;
Ankutte omukono gwange
Antambuze mu bulabe,
N'emirembe, n'emirembe.

4. Nnina ekiddukiro gy'ali,
Kya maanyi nnyo;
Ekitalumbika babi
Ekirimu bye neetaaga,

Ne mpummula, ne mpummula.

5. Kyenvudde musanyukira
Bw'ambeera nze,
Ebitayinzika gye ndi
By'asobola, by'amala ye,
Ggwe njagala, gwe njagala.

ENZIKIRIZA Y'ABATUME

Nzikiriza Katonda Kitaffe Ayinza-byonna, Omutonzi w'eggulu n'ensi; ne Yesu Kristo Omwana we omuyekka Mukama waffe, eyazaali bwa omuwala atamanyi musajja Malyam, eyali olubuto olw'Omwoyo Omutukuvu; na bonya abonyeze bwa kumirembe gya Pontio Piraato, n'akomererwa kumusaalaba, n'afa; n'aziikibwa, n'akka emagombe mu bafu; olunaku olw'okusatu n'azuukira mu bafu, n'agenda mu ggulu; attudde kumukono ogwa ddyo ogwa Katonda Kitaffe Ayinza-byonna, naye aliva ayoo kukomawoo kusala omusango gw'abalamun'abafu.

Nzikiriza Omwoyo Omutukuvu, n'Ekkanisa entukuvu ey'abantu bonna era ebuna wonna, n'okusseekimu okw'abatukuvu, n'okusonyiyibwa ebibi, n'okuzuukira kw'abafu; n'obulamu obutaggwaa wo.Amiina

OBUBAKAOBW'OKUSAASIRAN'OBUSOME ABOOGEZI

OKUBUULIRA

EBIRABO

OLUYIMBA
OLWAZI LW'EDDA N'EDDA

1. OLWAZI lw'edda n'edda ggwe,
Olwanjatikira nze;
Omwo mwe neekweka, era
Omusaayi gwe mwe gwava.
Ebibi binzigyeko,
Mponya mu maanyi gaabyo.

2. Emirimu gy'engalo
N'okufuba kw'omwoyo
N'amaziga agajja ennyo
Emisana n'ekiro;
Byonna tebiggyawo bibi;
Ggwe wekka Mulokozi.

3. Sirina nze bulungi
Nkwesize ggwe bwesizi;
Omwereere nnyambaza;
Omunaku mpa ekisa;
Laba bwe ndi omubi,
Nnaaza Yesu, nfa bufi.

4. Nze nga nkyali mulamu,
Bwe nditуuka mu ggulu;
Bwe ndiraba ggwe, Yesu,
Emisango ng'osala,
Yesu olwazi olwase,
Ka neekwekenga mu ggwe.

OTUKULEMBERE, MUSUMBA WAFFE

1. OTUKULEMBERE, Musumba waffe
Tukwetaaga bulijjo;
Otugalamize mu ddundiro lyo
Ery'omuddo omuto.
Watugula n'omusaayi gwo
Otukumme mu kabi;
Watugula n'omusaayi gwo
Otukuume mu kabi.

2. Tuli baana bo otuzibirenga
Mu balabe ab'amaanyi
Otuyingize mu kisibo kyo
Mwe tubeera obulungi.
Nga bwe tukaabirira ggwe
Otuwulire mangu,
Nga bwe tukaabirira ggwe
Otuwulire mangu.

3. "Ajja gye ndi"; bwe wagamba bw'otyo
"Siimugobere bweru",
Okomyewo emitima gyaffe
Otunaaze mu bibi.
Otulunnamye mu makubo
Ag'obutuukirivu;
Otulunnamye mu makubo
Ag'obutuukirivu.

EBIRANGO

OKWEBAZZA

OKUGENDA KUNTANA

KATONDA ABEERENGA NAAWE

1. KATONDA abeerenga naawe
Akuwenga omukisa,
Akubalire mu babe,
Akukuume okutuusa okufa.
Weeraba, (n'ebirala)

Weeraba, weeraba,
Otambule mirembe:
Weeraba, weeraba.
Omutonzi abeere naawe.

2. Katonda abeerenga naawe,
Akukwate mu ngalo ze,
Akuwe emmere y'omwoyo
Akukuume okutuusa okufa.
Weeraba, (n'ebirala).

3. Katonda abeerenga naawe,
Entiisa bw'erikujjira,
Akwetoolooze ekisa,
Abeerenga naawe bulijjo.
Weeraba, (n'ebirala).

4. Katonda abeerenga naawe,
Akuwe okwagala kwe,
Akuyise mu mayengo,
Akutuuse mu kisulo kyo.
Weeraba, (n'ebirala).